

28th January 2018.

WEEMA ENTUKUVU Y'OKUBEERWA KWA MUKAMA
KATONDA. II

Okuva 25:9-26

Mu kweyongera kwaffe amakya ga leero okulaba okuteekateekwa n'okulagirirwa Musa kwe yaweebwa Mukama Katonda eri okussaawo ekifo mu masekkati gaabwe we banaamusisinkananga, oluvannyuma lw'okulaba omulundi oguwedde bwe yasooka okubalagira okuwaayo kyeyagalire eri buli kineetaagwa mu mulimu guno, n'emitima omujjudde okwagala n'obuwulize gyaali, kikisobozese okuba ekifo kye banaatongoza okuba ekitukuvu gyaali nga Mukama Katonda waabwe era Kabaka waabwe.

Omwo mwe tweetegerereza nti okuwaayo n'okweewaayo eri Mukama kiba kyegyalire so si mu kusikirizibwa birala oba balala, wabula okwagala Mukama, ekireetera okumusinja mu mwoyo ne mu mazima.

Leero tweyongerayo okulaba ebiragiro ebirala by'ebyo eby'omunda mu weema nga tuddamu olunnyiriri kwe twaakoma 9.....

Okusooka kitweetegeresesa nti engeri Mukama gy'asoosa eby'omunda mu Weema etulaga nti assa essira ku bukulu bw'okuba nti tutabagana naye okusinzirwa mu by'omunda okusinga eby'okungulu.....

Nga bwe guli nti ffe nga yeekaalu za Mukama z'endagaano empya kitweetaaza kuba n'obutereevu munda mu ffe okusinga kungulu, simanyi oba abaaliwo oguwedde mwasoma Abaebbulaniya 9, naye era nsaba tugisome tutegeere okugeraageranyizibwa kw'ensinja y'endagaano enkadde n'okw'empya.

Nny.10...

Okuva 26.....